BUJAGALI PROJECT NEWSLETTER
AKATUNDU K'OMWAKA 2011 AKASOOKA

Amawulire okuva ku bbibiro ly'amasannyalaz e ery'e Bujagali

http://www.bujagali-energy.com
Ebbibiro ly'amasannyalaze ery'e Bujagali , bbibiro erizimbiddwa kkampuni ya Bujagali Energy limited(BEL) ku mugga kiyira kumpi n'ekibuga ky'e Jinja era nga lyakuvaamu amasannyalaze agawereza ddala amaanyi ga megawaati 250. Abatadde ensimbi mu kuzimbibwa kw'ebbibiro lino be ba kkampuni ya Industrial promotions services limited nga bano batuula Kenya n'aba SG Bujagali Holdings limited abakolera wansi w'ekitongole kya Sithe Global Power LLC abasangibwa mu America.

Omulimo wegwali gutuuse mu mwezi gwa Mugulansigo nga 31 2011

Okutandika kwa pulojekiti:
26 ssebaaseka 2007

Pulojekiti yakutandika okukolera ddala amasannyalaze mu kwota y'omwaka ey'okuna mu mwaka 2011.
Okuggya engalo ku mulimo kwa mu Apuli mu mwaka 2012.

Omulimu nga bwegutambula kati:

- Okukuba ppulaani y'ebbibiro kutuuse ku 99.5%
- Okugula ebikozesebwa kutuuse ku 98%
- Okuzimba ebbibiro kwennyini kati kutuuse ku 95%

OKUSSA MU NKOLA ENTEEKATEEKA EZIKWATA KU MBEERA Z'ABANTU N'OBUTONDE BW'ENSI (SEAP)
Okussa mu nkola enteekateeka ezikwata ku mbeera z'abantu n'obutonde bw'ensi kugendedde ddala mu maaso ne mukwota eno esooka (Gatonnya-Mugulansigo) 2011. BEL era eraze okugenda mu maaso okwa nnamaddala ku mulimo gw'eriko ogw'okuzimba ebbibiro ly'amasannyalazes eriwereza ddala amaanyi ga megawati 250. Ebikulu ebikoleddwako mu bbanga lino mwe mubadde okumaliriza omulimo ogukwata ku kusiba ppayipu z'amazzi mu byalo ebyo ebyakosebwa ppulojekiti, okulongoosa amakubo ga bulungi bwansi mu kitundu, ebyobulamu, enteekateeka ezikwata ku bulwadde bwa mukenenya ate n'enteekateeka ezikwata ku by'obuwangwa n'obulambuzi ate n'ebrala bingi.

Ekiwandiiko kino kikulaga ebituukiddwako ku ludda lw'embeera z'abantu, entabagana wakati w'abatuuze ne Kkampuni, ate n'ebikoleddwa ku ludda lw'obutondebwensi mu bbanga okuva mu mwezi gwa Okitobba-Ntenvu 2010.
Ekiwandiiko kino tukirina mu lulimi olungereza ate n'olusoga.
Nkwagaliza okusoma okulungi.
Gatonnya 2011

Obweyamo bwa BEL
BEL yeewaddeyo okulaba nti erongoosa ebyo ebyeyambisibwa abantu bonna mu kitundu era nga muno mwe muli okulaba ng'abantu bafuna amazzi amayonjo, bafuna ebyenjigiriza n'ebyobulamu ebyomulembe ate n'okulaba ng'abantu basobola okweyimirizaawo mu by'enfuna mu maka gaabwe-era

Bujagali Energy Limited
PO Box 186, Jinja,
8 km Kayunga Road, Kikubamutwe,
Phone +256434132532/3 Fax +256434132534

kino kitundu ku nteekateeka nnamutaayiika egendereddwamu okutumbula embeera z'abantu mu kitundu.
BEL etaddewo enteekateeka zinnabutonde eziruubiriddwamu okukendeeza ku bulabe obwandituusiddwa ku maka g'ebitonde ebyenjawulo n'enkolagana y'abyo, ku mazzi g'omuttaka n'ago ag'okungulu, ku maka g'ebyennyanja n'ebifo awavubirwa ate ne ku bizibu ebyo ebisuubirwa kyokka nga tebiteereddwa mu nteekateeka gamba nga okuyiika kw'abakozi mu kifo awali omulimo gw'ebbibiro. Ebiwuka ebireeta endwadde nabyo babirwanako nnyo ate nga n'ebyobulambuzi babikolako nnyo nga bayita mu nkola gyebassaawo okukwataganya obutondebwensi.

Ebyenjigiriza
Ku ludda olw'ebyenjigiriza okunonyereza ku buyambi ki obuyinza okwongerwa mu masomero agali ku lubalama olw'ebuvanjuba kwakolebwa. Obuyambi obwalowoozebwako musuubirwa okubaamu emmeeza n'entebe, ebitabo ebisomerwamu ate n'okukola okuddaabiriza okutonotono ku bizimbe.

Enteekateeka z'okuyamba abawejjere.
Omulimo omukulu ogwakoleddwa mu kwota eno gwabadde gwa kufuuyira amaka g'abawejjere agawerera ddala 350 okusobola okugagobamu envunza, ebiyenje, ebiku, emmese, enkukunyi n'ensiri mu byalo omwenda ebyakosebwa ppulojekiti. Omulimo guno gwakolebwa okuviira ddaala nga 9 okutuukira ddala nga 26 Mugulansigo 2011.

Waggulu omufuuyizi ng'ali ku mulimo mu maka g'omu ku bawejjere.

Amazzi
Omulimo gw'okusiba ppayipu z'amazzi mu byalo kyenkana weguli kati guwedde. Ku kkilomita 37 ezisuubirwa, kati wasigadde nga emu yokka etannasibwamu ppayipu. Egimu ku mirimo egisingidde ddala okukolwako mwe muli okuteerawo abatuuze zi ttaapu, okumaliriza ekizimbe omunaaateekebwa ekyuma ekinaayamba mu kusunda amazzi ate n'okwetegereza amaanyi gaakyo. Tusuubira nga wetunaatuukira mu mwezi gwa kafuumuulampawu (April) nga 9, 2011, tujja kuba tumalirizza okusiba ppayipu eziwererako kkilomita 37 mu byalo nga kwotadde n'ezo ezinnaasibwako zi ttaapu ku labalama lw'ebuvanjuba. Tusuubira era okuba nga tumairizza n'okuzimba ekifo amazzi gano gyeganaatuukiranga okusobola okugabirwanga ebyalo eby'enjawulo.

okutumbula ebya bizinensi. okwewola.
Wetwogerera kati nga ssiringi za Uganda eziwerera ddala 263,000,000 (nga muno mwe muli n'ezo abatuuze ze beewola edda mu ngeri y'okwetooloola eziwerera ddala 51,000,000) zimazze okuweerezebwa mu byalo ebyo ebyakosebwa ppulojekiti era ng'abatuuze abazifunyeeko bawerera ddala 402. okulondoola n'okuwa abatuuze zi looni kukyagendera ddala mu maaso okutuukira ddala eyo mu makkati ga 2012.

Eby'obulimi
Enteekateeka ezikwata ku by'obulimi zaamalirizibwa mu kwota eyookuna mu mwaka 2010 era ebyazivaamu kati bye birondoolwa oluvanyuma lw'ebbanga eggere nga bayita mu kunoonyereza okwateekebwawo okwekenneenya embeera y'ebyenfuna mu batuuze. Mu budde buno okunoonyereza okwakakolebwako kwa mulundi gumu era ebikuvuddemu biraga enkyukakyuka ennungi mu by'enfuna y'abatuuze abo abaalondebwamu.

Enteekateeka Ku Byobulamu Mu Kitundu Ate Ne Ku Kawuka Akaleeta Ekirwadde Kya Mukenenya

Mu kwota eno wabaddewo okugabira abatuuze eddagala eriziyiza endwadde Bilihaziya ne tulakoma era nga kusuubirwa okukomekkerezebwa eyo ku ntandikwa y'omwezi gwa Kafuumuulampawu 2011. omulimo guno tugukolera wamu n'abakulu abatwala eby'obulamu ku disiturikiti ze Buyikwe ne Jinja ate n'abatuuze abali mu bibiina by'eby'obulam ku byalo.

Bujagali Energy Limited
PO Box 186, Jinja,
8 km Kayunga Road, Kikubamutwe,
Phone +256434132532/3 Fax +256434132534

Waggulu bannabibiina by'eby'obulamu mu ggombolola ye wakisi nga bali mu kubangulwa ku ngaba y'eddagala lya Bilihaziya ne Tulakoma.

Ebibiina by'ebyobulamu ku byalo byeyongeredde ddala okuba ebisaale mu kusomesa abatuuze ebikwata ku byobulamu mu maka gaabwe ate n'okutema empenda abatuuze zebayinza okweyambisa okusobola okwetangira nnawookeera wa mukenenya gamba nga okukozesa obupiira bukalimpitawa, okumira eddagala eriziyiza omusujja gw'ensiri ate n'okukunga abatuuze okwenyigiranga mu misomo egitegekebwa okubangula abatuuze ku ludda lw'ebyobulamu

Okwekenneenya okusaba okwatuweebwa ku mulimu gw'okuddaabiriza eddwaliro lya Budondo HCIV, kwamalirizibwa. Kontulakita yagabibwa era neyagiweebwa n'atukwanga ebbaluwa ekkiriza omulimo. Ebikulu ebinaakolwako mu mulimo guno mwe muli okukyusa endabika y'ekifo awatuukirwa abalwadde ate ne woodi ey'olukale. Ku ddwaliro kuno era kujja kuzimbibwako ekifo ekinaakola ku bakyala abazito, okuzimba ennyumba z'abasawo ate n'okukola ku by'amazzi wonna ku ddwaliro. Bino byonna nga biwedde eddwaliro lijja kuteekebwamu byonna ebyetaagisa nga tugoberera amateeka agafuga ebyobulamu mu ggwanga. Omulimo gusuubirwa okutandikibwa mu kwota eyookubiri 2011.

Ebifo bya bizinensi

Ekifo ky'ebyobusuubuzi mu ggombolola ye Wakisi kati kikola kinawadda ate nga kyo eky'e Budondo kyakutandika okukola amangu ddala ng'olukiiko lumaze okuteekawo abanaakiddukanya. Ekifo ekyatandika edda okukola kiyambye nnyo abatuuze mu ngeri nti obuweereza kati bubali kumpi era tebakyatawaana na kutambula ngendo mpanvu. Mu ngeri eyo, kati abatuuze akasente ka tulansipooti bakafissa.

Okubangula abavubuka mu mirimu gy'emikono.

Ku bayizi bonna abayambibwako BEL, 34 mu kwota eno baamalirizza emisomo gyabwe era kati 23 be bokka abakyabangulwa mu Nile Vocational Institute era nga nabo basuubirwa okumaliriza eyo ku nkomerero ya Kwota eyookusatu 2011. Basuubirwa okutikkirwa wamu nebannaabwe mu ttendekero lino mu mwezi gwa Mukulukusabitungotungo (October) 2011 abasuubirwa okumaliriza emisomo gyabwe mu mwaka guno. Abayizi abaatendekebwa 48% baafuna dda emirimu.

Akatale

Okunonyereza ku nkozesa yakatale kulaga nti abatuuze tebajjumbidde kukozesa katale akaabazimbiddwa. Abakulembeze mu kitundu bageezaako okusala amagezi agaanasikiriza abatuuze okukolera mu katale kano n'okukafuula ekifo ky'ebyobusuubuzi ekya nnamaddala.

Okubangula abatuuze mu mirimu egy'enjawulo.

BEL kati eri ku mulimu gw'okulaba nga ewa abatuuze obukugu obunaabayamba okuvuganya mu mirimu egy'enjawulo egikolebwa mu kitundu gamba nga okubajja, okubumba amataffaali, okukola enviiri, okulima ng'okozesa nnakavundira n'ebirala bingi. Okwekenneeya mu abo abayinza okukola omulimu guno kwawedde mu kwota eno era aba Nile Vocational Institute be baaweereddwa omulimo guno. Okusomesa kwakutandika mu kwota eyookubiri 2011.

Ebyobulambuzi

Mu kwota eno, BEL eyongeredde ddala okuwagira ebyobulambuzi ebirala. Kampuni ya Adrift Adventure yaweebwa obuwagizi okulaba nga egulayo eryato erikolera ku mukka ate n'eddala erinaakozesebwa abalambuzi mu ngeri ey'okwesanyusaamu ku mazzi g'omugga.

Okusimba emiti ku bizinga nakwo kukyagendera ddala mu maaso.Okuva nga 28,2011 Mukutulansanja, kampuni ya Salini evunaanyizibwa ku bya ppulaani y'ebbibiro yatandika ku nteekateeka y'okukyusa amazzi g'omugga. Kampuni eziddukanya omuzanyo gwa ggogolo w'okumazzi (rafting) zaakyusa ebifo byazo omuzannyo gunowegubadde gukolebwa nezidda awapya awaazimbibwa.

Bujagali Energy Limited
PO Box 186, Jinja,
8 km Kayunga Road, Kikubamutwe,
Phone +256434132532/3 Fax +256434132534

Wano omu ku bannabutonde ngalaga omuti ogwasimbibwa ku bizinga.

Okubunyisa amasannyalaze mu byalo.

Okwogeraganya ku nteekateeka z'okubunyisa amasannyalaze mu byalo wakati wa BEL ne UMEME kati kugenda mu maaso. Amasannyalaze okusookera ddala gasuubirwa kutwalibwa ku kyalo ky'eNaminya ate olwo ebyalo ebirala ebyakosebwa ppulojekiti nabyo biddeko oluvanyuma.
Emirimo gisuubirwa okutandika mu kwota eyookubiri 2011.

Okwebuuza ku bantu ate n'abantu okweyabiza kkampuni.
Enkiiko

BEL egendedde ddala mu maaso okuba n'enkolagana ey'omuggundu n'abatuuze bonna abakwatibwako ppulojekiti ng'eyita mu kugonjoola obutakkaanya n'okwemulugunya okugenze kubaawo mu kiseera kino. Enkiiko ez'enjawulo zaatuuziddwa mu byalo byonna omwenda okusobola okutegeeza abatuuze ku ntambula y'omulimo gw'okuzimba ebbibiro ate n'okulaba nga enteekateeka eziruubirira okukulaakulanya abatuuze ziteekebwa mu nkola..
Ebyava mu nkiiko byali nnyo ku nsonga y'okwasa amayinja era n'okwemulugunya kwabatuuze ku bizibu bye bafunnye nga biva ku kwasa amayinja. Era abatuuze baayogera ku nsonga y'amazzi ag'emidumo ne zi ttaapu ez'olukale, ensonga y'okukugirwa okutuuka ku mugga naddala banaffe abavubi olw'okukyusibwa kw'amazzi g'omugga nayo yayogerwako. Kuno kwogatta nebintu ebirala ebiri mu nteekateeka naddala ensonga y'okubangula abatuuze mu mirimu egyenjawulo ate n'ebikwata ku nsonga y'okutambuza amasanyalaze.
Olukiiko n'abavubi lwatuuzibwa ku nsonga y'okubakugira okukolerako mu mazzi g'omugga. Kyazuulibwa nti abavubi baali tebategedde bulungi bubaka obwali ku bupande obwali buteereddwa mu mazzi okusobola okubalabula ku mabibiro agali mu mazzi g'omugga.Era tebakitegeera nti mu bitundu awali obupande obubalabula we wokka webatalina kusaalimbira.
Okwebuuza okulala kwakolebwa ku bannaddiini mu byalo ebyo ebyakosebwa ppulojekiti 'ku nsonga y'okulaba nga wategekebwawookusaba okw'enjawulo okusobola okujjukira emyoyo gy'abo abagenzi abaaziikibwa ku bizinga ebigenda okumiribwa amazzi.Omukolo guno gusuubirwa okubaawo mu Kafuumuulampawu nga 28, 2011.Okwebuuza ku bakulembezeb'omu kitundu okubadde okw'mirundi ebiri buli wiiki kati kwakyusiddwamu era kati kwa buli mwezi olw'ensonga nti ebikolebwa kati mu byalo byakendedde.

Enteekateeka Ezikwata ku bakozi

Tukyali bumu n'ekitongole kya Salini naddala woofisi yaakyo ekola ku nkolagana y'abantu nga tusimba essira ku kwemulugunya okwo okutuleeteddwa ffe nga aba BEL ate ne tufuba era okulaba nga Salini etambulira wamu n'ebyo ebyasalibwawo ekitongole ekikwataganya ensonga z'abakozi.
Okwemulugunya kwetusinze okufuna kubadde kukwata ku nsonga y'abakozi abafunira obubenje ku mulimo kyokka nebataliyirirwa ate nga n'abo abaliyiriddwa baweebwa obusente bwa munguuba ddala.
Wabula tewabaddeewo nnyo bubenje bw'amaanyi mu kwota eno.
Olukiiko olulala lwatuuzibwa ne Sumadhura eno nga ye kontulakita eyaweebwa omulimu gw'okutambuza amazzi n'abakulembeze b'omu kitundu boogere kunsonga y'okufuna abakozi abanaasima ate n'okuziba emikutu. Kyakkaanyizibwako nti abakozi baggyibwe mu byalo ebiriraanyeewo nga abakulembeze baabyo bayambako.

Ebikwata ku byobuwangwa.

Omulimo gw'okuzimba ekifo awaasengulirwa empewo z'abasoga gwatandika era nga kati gutuuse ku bitundu nga 95%.
Olukiiko lwatuuzibwa n'abakulembeze b'obwakyabazinga bwa Busoga okutunula mu ngeri ebintu gyebitambulamu ate n'okwogera ku nteekateeka y'omukolo gw'okuwongerera empewo ezaasengulwa ogutegekeddwa okubeerawo mu Muzigo (May) 2011.

Ebikwata ku kukuuma obutonde bw'ensi n'ebyobulamu.
Okusimba emiti ku mbalama.

Bujagali Energy Limited
PO Box 186, Jinja,
8 km Kayunga Road, Kikubamutwe,
Phone +256434132532/3 Fax +256434132534

Enteekateeka ezikwata ku kusimba emiti n'okuziyiza okukulugguka kw'ettaka zaggwa.
Emiti egyasimbiddwa girabirirwa ekitongole kya NEMA nga kikolagana ne bannannyini ttaka mu kitundu.

Waggulu emiti egyasimbibwa BEL mu nteekateeka yaayo ey'okusimba emiti ku mbalama z'omugga.

Okwekenneenya obutonde obw'enjawulo.
Okwekenneenya obutonde obw'enjawulo ku bizinga ebyo ebisuubirwa okusaanyizibwawo amazzi kugendedde ddala mu maaso mu kwota eno. Alipoota ekwata ku ebyo ebyavaamu yakolebwa era n'etuweebwa ku ntandikwa ya Mugulansigo (March) 2011.
Okwekenneenya kukyagendera ddala mu maaso ku bizinga ne ku mbalama z'omugga emabega w'ebbibiro ly'amasannyalaze erya Bujagali okusobola okuzuula ebizibu ebiyinza okuva ku mazzi agali mu kayanja akaatondeddwa emabega w'ebbibiro ku bitonde eby'omunsiko ate n'okubisalira amagezi.

Ebikwata ku kasasiro n'enkuuma ye.
Kasasiro atali wa bulabe n'oyo ow'obulabe yeeyongedde okwetuuma mu bifo awali ebbibiro w'ennyini ate ne mu kitundu awakubwa ensiisira nga bwekiragiddwa mu lukangagga wammanga. Kasasiro yenna ow'obulabe gamba nga bi woyiro ebikadde ne zi bbaatule, akuŋŋaanyizibwa ebitongole NEMA byeyawa olukusa. Ate oyo kasasiro yenna atali wa bulabe atwalibwa mu kkuŋŋanyizo lya kasasiro erya Musipaali y'e Jinja. Ebyuma byo ebikadde bitwalibwa n'ebirongoosebwa ate nebikolwamu ebyuma ebirala. Obutundutundu bw'embaawo obugenda bufikka ku mbaawo ezikozeseddwa, buweebwa abatuuze ng'enku.

Abagenyi.
Ekibiina kyabakungu ku mbeera z'abantu n'obutondebwensi kyakyalira ekifo ky'ebbibiro okwekenneenya ate n'okuwa amagezi ku ngeri obuzibu obwenjawulo ku bbibiro gye buyinza okunogerwa eddagala.
Ekibinja ekirala ekimanyiddwa mu lufuutifuuti nga Uganda Assosiation of Impact Assessment nga kyalimu abakungu okuva mu NEMA, Wild Life Conservation Society, ERA, UWA, MAAIF, MEMD, misitule y'ebyobulambuzi nakyo kyatukyalira mu
mukutulansanja. Nga 2, 2011, omukulembeze w'eggwanga Uganda omukulu Yoweri Kaguta Museveni yakyalirako ebbibiro ly'eBujagali.

Omukulu Ppulezident Yoweri Museveni ng'alambuzibwa ssenkulu w'omulimo gw'ebbibiro lya Bujagali.

Abakulembeze ba distulikiti y'e Buikwe, ab'ekikugu n'ab'ebyobufuzi nga bakulemberwamu CAO ne ssentebe wa LCV baakyalira ekifo ky'ebbibiro bamanye ku ntambula y'emirimo ate n'okufuna amawulire agakwata ku mbeera z'abantu n'obutondebwensi nga gava ku ppulojekiti.
Abakulu abalala okuva mu FMO ekimu ku bitongole ebiteeka ensimbi mu ppulojekiti nabo baatukyalira.
Abakungu abalala abaava mu masomero g'eby'ekikugu bya ssaayansi (Polytechnic Colleges) ag'eKampala ne Kenya nabo bakyalira ebbibiro.

Tusubira nti eggulire lino likuzibudde amaaso ku biki ebigenda mu maaso ku bbibiro ly'amasannyalaze ery'e Bujagali, ne ku mbeera z'abantu n'obutondebwensi. Linda ate ebiddako.

Bujagali Energy Limited
PO Box 186, Jinja,
8 km Kayunga Road, Kikubamutwe,
Phone +256434132532/3 Fax +256434132534